

BUGANDA EY'ENSİKIRANO

LD  
320.54  
BUG



## BUGANDA EY'ENSIKIRANO

“BUGANDA EY'ENSIKIRANO” lye linya  
ly'Ekibina eky'Abaganda abagenderera bino:—

Mu njogera zafe tetulumba Byabufuzi,  
oba Eby'edini, oba eby'Ebibina ebitali bimu,  
oba eby'Abantu ab'engeri zona,  
oba eby'Ebikolebwa ebitali bimu; naye  
tugenderera okukuma n'okunyweza empisa ennungi  
n'eby'obuntu-bulamu; kwe kugamba nti  
ebyo ebyonona oba ebifafaganya oba  
ebiggyawo empisa ennungi n'obuntu-bulamu  
bye byo byetuyita abalabe b'Eggwanga,  
nga twetaga okubirwanyisa n'okubiwangula.



## EBIRIMU

"Eggwanga likole ki Okuzala?"	OMUKO	3
"Eggwanga likole bweriti Okuzala".	"	8
Booker T. Washington—Singa yali mu Uganda.	"	12



## BUGANDA EY'ENSIKIRANO

### "EGGWANGA LIKOLE KI OKUZALA?"

(EBIGAMBO EBYAYOGERWA OM: E. MUKIBI-MWANJALE)

**B**ANANGE, ABAGANDA, si kigambo kyangu okwogera ku kigambo ekyo, oba wade okudamu okubuza okwo mu bigambo ebitono.

Okusoka, awatali kuwananya Eggwanga lyetwogerako lye lyamwe nga mutudde mu nsi yamwe. Tusanira okutegera nti ensi yafe eno mwetuli kakati, nti nsi nungi, ngimu, ngagga; n'olw'ensonga ezo teyinza kubulwamu bagitulamu singa nga Eggwanga ly'Abaganda, mu ngeri emu oba endala, liggwawo. Nga bwekikasibwa mu ngeri nyingi, eggwanga lyafe, olw'obujagujagu n'obuzira bya bajaja bafe, lyaja ner-yewangulira ensi eno, ob'oly'awo mu kyasa ky'ekumi n'omusanvu. Lyatula, neritandika okukula mu bulabufu, n'okugaziwa nerigaziwagaziwa mu ntabalo ezitali zimu. Abagwira (Omuzungu n'Abasia) bwetaja ne basanga abantu abatudde, abalabufu mu ngeri nyingi; kale, n'olw'okwewayo kw' bajaja bafe, abajjumbira ebintu ebirungi byebalaba mu bagwira, era nadala n'olw'ekisa n'okwewayo okutatendeka mu bigambo okw'Abazungu abasoka, ensi yafe n'etandika omuti-ndo gweriko kakati. Mu kiseru kye kimu kasoka Abazungu batuka, ne relwe (eggali y'omukka) egatta ensi yafe n'olubalama lw'e Mombasa n'eggwa, amawanga n'amawanga gayise mu nsi muno—era na fe tweyiye mu nsi ezituliranye. Ekivudemu, bingi kyadala birungi nyo era n'ebirala bingi bibi. Situja kukwata kakati ku bivudemu ebirungi naye ku bivudemu ebibi nga bwebikwata ku kigambo kyafe ekituli mu maso.

Mwena, nsubira tukirizaganya nti ensi eyabonyabonya bajaja okugikuza, kakati fe ab'omulembe guno tugirekera abalala balire bwerere—awatali kusasula wade okulwana, fe tufuke olufumo mu byasa by'emyaka nga bibiri ebija, nti Mu mirembe gya Mutesa I. Abaganda bali nga obukade busatu (3,000,000) nti naye kakati bawera buwezi kasirivu (100,000). Singa nga okebera ne wekenenya Ripota z'Omukulu w'Ekitongole ky'Abasawo, eziraga emitwe: abafa n'abazalibwa; olabira dala lwewaliwo empangi ntono, mu bazalibwa n'abafa. Mu nsi zino tusanira okutegera nti okuwangala kw'abantu kwa myaka mitono: lwa nsonga nyingi zetutayingiremu. Kale, olwokuba okufa kuli wagulu, okuzala kwafe kusana kubere wagulu nyo okusukkirira. Wetegereze ebyo mu kubala kw'emitwe ebiragiddwa eby'omwaka 1940:—

ABAZALIBWA BULI 1,000.	ABAFUDDE BULI 1,000.	
BUGANDA	21.71	18.09
EASTERN PROVINCE	25.68	19.06
WESTERN PROVINCE	36.50	20.63

WETEGEREZE OLABE ABAMAWANGA BWEBATUSINGA OKUZALA.



Kiragira dala nti bwewabawo ebisera ebizibu ebitta enyo abantu, nga bwekyali ku mirembe gya Sekabaka Mwanga II. ne mu ntandikwa y'ekyasa kino eky'emyaka, mu Bizinga by'e Sesse, oba bwekiyinda okubera mu lutalo luno—ani amanyi—eggwanga lyafe liyinda okusebengerera dala.

Sinyonyole nyo nsonga ezetagisa Abaganda babererewo ku nsi eno, mpozi abalala banagamba nti kwenyumiriza kwa bwerere—Abaganda bayinda kukola ki? Kye manyi nti Katonda teyatutondera bwerere era n'atulonda wano mu Buvanjuba bw'Abaganda okutukiramu Edini n'emirembe gyayo olw'obwerere. Gwe mulimu gwafe buli omu okutukirizamu omulimu, Omutonzi gweyatwagaliza. Tuleme okwenyoma nga tulowoleza wamu n'Omuntu eyawandika nti olwokuba nga Ekika ky'Abadugavu tebalina kyebakolede bulabufu (civilisation) ensi kakati bweriko, nti n'olw'ekyo tekisana kufibwako. Omuntu nga oyo, n'abantu abalowoza batyo balaba bya kunyinda. Anti, fena tutegera nti ensi yafe (Planet Earth) ekyalina ebanga dene nyo nga abantu tukyaliko (enkomerero nga tenatuka); n'olw'ekyo tewali amanyi amawanga gafe kyegayinda okukolera ensi yona oluvanyuma. Olowoza nti Omurumi St. Augustine ne banne, mu kyasa ky'omubaga, bwebagenda mu Kazinga akatalimu ennaku ezo, okubunya Enjiri, n'obufuzi n'obulabufu Abarumi byebali batuseko: basubira n'akatono nti Akazinga ako mu kyasa ky'emyaka eky'e-kumi n'omwenda oba eky'abiri kalisobola okubunya obufuzi n'obuyigirize bwako mu nsi yona nga British Empire bweri kakati?! "Empewo ekuntira gyeyagala....." "N'ebintu byona ebyomu nsi, biyita bwebityo....."

Okutegera obulungi ensonga zetusanira okukola eggwanga lizale, tusanira okumanya ebigambo ebireta obutazala mu kakyi kano ketulimu.

Ensonga zawulwamu bweziti:—

- I. Medical — Ensonga ezifa ku bulamu bwa buli omu, oba endwade ezikwatira awamu eziyinda okuziyiza okuzala.
- II. Social — Entegeka y'Enfumbirwa n'okukuma ebifo eby'ekyama eberawo mu mulembe.
- III. Economic — Ebifa ku mbera yafe, oba bagagga oba bavu n'emirimu gyetukola tulyoke tuyimirizewo okukula kw'ensi. Bino tebyawulika nyo ne II.

Katunyonyole kin'emu:

I. Omusaja oba omukazi ayinda okuba omugumba okuva ku butonde bwe, nga (a) Ebitundu ebizala tebyakula mu bujjuvu okuva mu butonde. Ekyo no kya kekwa. Katonda kyeyakola, abantu bona abasoma eby'ebiramu (biologists), kyebasanga ge magi g'ebintu ebikazi (ova) mangi n'obugina (sperms) bw'ebisaja butabalika buli kiramu bwekirina. Omuntu omusaja, obubwe buli mu bukade; ate omukazi, obubwe ye buli lw'aba mu mwezi (ng'alwade mu kisera ky'abakazi

ekimanyiddwa ekyo buli mwezi) nayenga mulamu yena yandi sobodde okufuna olubuto. Katagambe, obutasobola kuzala olw'ensonga eno kujawo, mpozi omuntu omu mu mitwalo nga etano oba kusingawo. (b) Endwade z'olukonvuba, wabula nga zikwata ebitundu ebizala teziyinda kuletawo njawulo nene etya. (c) Endwade za kyejira ne zikwata ebitundu ebizala; nyingiko mu bakazi okusinga lweziri mu basaja, naye era na zo zikwata bakazi bakuluko, nga ab'emyaka asatu. Kwe kugamba nti obulwade obwo bwandisanzaga omuntu azadeko. (d) Endwade kayingo ezituletedde obugumba ze Ndwade z'Obukaba, nadala Enziku. Tusanira tujukire nti si bulwade bwafe bwa da naye bwe bulwade obuzze n'Abagwira. Kale no, omulembe ne guzisobozesa okweyongera okuyitirivu.

Kang'ambe kakati nti ku bantu ekikumi mu nsi muno, kyenda balwalako ku bulwade obwo mu bulamu bwabwe. Tugambe, ate 30 ku kyenda, basobola okuwonera dala; enkaga egenda na bwo!! Obulwade buno bukola akabi akasinga ku kuzala; mu bakyala, bwebwonona enseke ezireta amagi mu Nabana okusisinkana akagina (sperm) ak'omusaja, olubuto lulyoke lutondebwe. Enjoka okukwata oluseke olwo oba enseke ezo zombi, kigambo kya bulijo nyo mu bakyala bafe. Bwenabalirira mu bakyala abayingira mu Dwaliro ly'e Mulago mu 1942, nga omu ku buli balwade musanvu (tegera nti endwade endala nkumu nyo mu nsi) yali alwade nseke ezo! Si kyakitalo! Bona—n'abagwa mu motoka n'abagya omuliro—nga obabaze. Ate abayingira mu dwaliro be batono dala, nga bangi nyo babera ka n'okulumizibwa enjoka zebayita Ekigalanga.

Obulwade buno, fena nga bwetumanyi, buja okusinga olw'okwetaba n'omuntu abulwade. Olusi omuntu oyo aba alowoza nti ye mulamu, songa obulwade obwo bwekwese munda mu bisenge-senge eby'obukazi oba eby'obusaja. Kwe kugamba nti omuntu nga abade akwatiddwa obulwade obw'enjoka kyandimusanide, olw'obulungi bw'eggwanga, akakasibwe Omusawo nti awonye nga tannaba kwegatta na muntu yena.

II. ne III. Ensonga eyokubiri n'eyokusatu nga bwetwazawuddemu ezirwanagana n'okweyongera kw'ensi, bwe bwavu nga bukolaganira wamu n'embera yafe ey'omulembe mu dembe. Abantu, kakati balwawo okuwasa oba okufumbirwa, olw'ensonga nyingi naye zona zekubira ku kigambo kimu nti omuntu oyo ye agamba nti tanayinda kusobola maka, nga omuntu oyo bwagalowoza gabe; era n'omuwala bwatyo; yetaga kufumbirwa ku muntu owa "wagulu" anasobola okumuteka ku mulembe. N'ekyo kituviridemu endwade nyingi ez'omwoyo n'ez'omubiri. Anti, si kya mbera yafe okubereera awo; ate n'Edini na yo tenatunogana kusobola kutukuma. Omulenzi oba omuwala omuto—esubi ly'eggwanga—bwebatyo gwebayitira nebatukira dala ba-kireresi. Eyo, banange, endwade gyezibakwatira, nga olwo bajukira okwebikka nga bukede. Anti, olusi befunira obufumbo, naye ne baba bagumba nga bwekinyonyoddwa.



Ate, ekirala mu mulembe guno ekyagala okwonona eggwanga be bantu okwagala okufumbiriganwa mu bufumbo bw'empeta bwokka, nga balowoza nti ye dini, so ate edini tebagikuma nga bweragira. Kubanga, singa bagikuma tebandimaze kusoka kwefunira bufumbo butali bwa dini, n'okwonona n'ayonona omuwala oyo, bwamugoba ng'awasa ow'edini oba ab'edini. Tusanira tukume empisa z'obufumbo Eng'anda, oba owasiza omuwalawo ow'obuvubuka ye muka-ziwo, era muwe ekitibwa ekyo; era tolowoza nti kinakwongerera ekitibwa mu maso ga Katonda, oba abantu abategera, n'ogoba omukazi gwomaze okwononera emikisa gyona olyoke owase empeta. Obufumbo, banange, bwebukola eggwanga; gyemukoma okuwebula obufumbo bwamwe obw'eggwanga gyemukoma okuliwebula—si kyokka: mulabe ebivudemu. Nkakasiza dala, edāla ly'omukazi omu mu bufumbo oba bwa dini oba wa D. C., bwe busingira dala okwongerera obuyigirize bwafe amangu. Naye mu kiseru kye kimu, tusanira okutegera Abazungu betulabirako ku by'obufumbo obwo mu by'obulabufu batuli wagulu nga emyaka lukumi oba kusingawo. Ate, na bo, mpozi, ababutukiriza mu mazima, bali nga 20 ku kikumi. Mu fe, ndowoza, ababutukiriza bayinza kubera nga 2 ku kikumi. Abazungu balina omukisa gw'obuyigirize obungi okuyinza okumalawo ekiseru kyabwe mu kukola eby'omugaso. Fe, na fe, tukola, naye obudde bwebuziba eby'okukola byafe bitono, Kale, n'olw'ekyo, abantu tebasobola kutulira awo bwerere.

Ate n'ensonga endala efananako mu mulembe gwafe, be bavubuka okwezunguwaza: ne bateka obulamu bwabwe ku lunyiriri okufuna kwabwe lwekotaliko; mu kiseru kye kimu nga n'ebirowozo byabwe, nga bwetumanyi, tebinasemberera by'Abazungu, mu bigambo by'omubiri. Ebivamu bye byo ebinyonyoddwa wagulu. Abawala, bo olwokuba yasoma bujanjabi oba busomesa; kale, tayagala kuleka mulimu kufumbirwa; era olusi ne bwafumbirwa, yesiga nti agenze kumalawo banga, alyoke yekomereyo yesanyukire, nga bwalowoza. Bwaba tafumbiddwa, embuto bwazifuna, agezako okuzigyamu. Okugyamu embuto, kintu kya kabi ku bulamu bw'omuntu, era kimu ku byonona enyo Nabana n'enseke ze.

Kale no, Banyabo ne Basebo, ebyo bisanira kulowozako n'entisa, era, gwe mulimu gwamwe nange, okukyusa omulembe nga bwekisanira kubanga fe bananyinigwo. Ekirala, omulembe kyegulese ekirwanyisa n'okuzala n'okwala, be bana abangi abawala—n'abatali bayigirize (kwe kugamba abatalina mulimu mulala gwebandikolede eggwanga wabula okuzala) obutakyayagala kukola nyo na mānyi, nga okulima. Ekivudemu, obutayagala nkumbi, songa, mu kakyo kano emirimu gy'abawala mitono dala. Abawala bwebatyo abanyuvu era abandiwadde eggwanga erangi enaungi bewayo mu bwa-malaya. Eyo gyebasigira obulwade ng'entungo: si bulwade bwa mibiri gyokka naye era gyebayigiririza emigigi n'emigigi gy'abantu okwononeka!

Mu kumaliriza; ensonga, ndowoza, zitegereddwa ezituziyiza okuzala. Kiri gyetuli fe benyini, so si abagwira, okuzirwanako.

Endwade, tuzijanjabo—nadala obulwade bw'enjoka bugyibwemu mu nsi muno. Ekyo kiyinzika, fena abantu nga tukoledde awamu ne Gavumenti. Kakati, nga bwetutegera, obulwade buno bwa jenjero nyo tebwetaga kunenya bunenya abulina wabula n'okumuwa okujanjaba okulungi. Buli musaja asanira okutegera nti nga akyalina obusira obutonotono newakubade nga talumwa, bwatyo asobola okusiga omuntu omulala. Omukyala n'Omwami bategere nti gyebakoma okweyambisa abagenyi abangi (kwe kulereta) bwebatyo gyebakoma okuleta obutazala mu bitundu byabwe, era bwebatyo gyebakoma okugyawo eggwanga lino ku maso g'enjuba.

Ku by'enkola y'Omulembe, tutekwa okukyusa ebirowozo ku by'empasa n'enfumbirwa. Tusanira okutegera nti obufumbo bw'ensi—Obuganda—bufumbo kye kimu nga obufumbo obulala. Kwe kugamba nti busanide okussibwamu ekitibwa n'obutajolongebwa n'okuvamu ebyo ebitottoddwa wagulu. Oba owasizza abakyala okusukka omu, kale bassemu ekitibwa nga bajaja bo bwebakolanga. Nawe, omukyala, nyweza ekifo kyo oleme okulowoza nti obufumbo bw'Ekiganda bwakunonyezamu basaja balala. Tolowoza nti olwokubanga omusaja ayagala abakazi abalala, nti nawe wejegule, kubanga:

(a) Enkula yamwe si yemu dala. (b) Okuma ekitibwa ky'obuntu bwo—omukyala ayagale bba. (c) Togoberera mulala mu kwononeka, oba omusaja ayononeka, gwe kuma obuntu-bulamu. Emirundi butabala abakyala abagumikiriza gyebawonyezamu ensi yafe eno, n'okugitusa ku mulembe guno. Mwena, nsabira, mukitegera.

Obwavu sibutottole, kubanga bye butukoledde bingi; kyokka kye mmanyi nti si yensonga eziyiza abantu okufumbiriganwa n'okukuma obufumbo bwabwe, oba bwa-Kiganda oba bwa-Kizungu, obulungi.

Abantu bangi, tulowoza nti tuba bafuzi twanditaddewo amateka gano oba gali, okuziyiza, nga: obwa-malaya, okuwa'nganguka kw'abakazi mu nsi muno n'okugenda ebweru, n'ebirala. Si kibi okutekawoko ku kuziyiza okufanana kutyo. Naye, wetegereze oludda olulala olabe nga kizibu amateka ago okutukirizibwa. Kwe kugamba nti kiri eri buli omu ye, nga omulimu omuzale, *okukuma ekitibwa ky'omubiri gwe*. Katwesige nti ensi yafe, okufanana ng'amawanga amalala mangi agakuze, buli omu anakola ekimugwanira (his duty); era nti abakyala bafe n'abami bafe, banafubanga okutukiriza obuntu-bulamu.



## "EGGWANGA LIKOLE BWERITI OKUZALA"

(EBIGAMBO EBYAYOGERWA OM: E. M. K. MUWAZI)

**O**BULAMU BW'OMUNTU bugerageranyizibwa n'obulamu bw'ebintu ebirala. Katutwale eky'okulabirako kyafe, nga kye Kitoke. Emirundi mingi, tugamba nti Ekifo kya lunyo, bwetusimbawo ekitoke ne kitakula bulungi. Ensonga yenyini yesigama ku bintu ebiri mu kifo ekyo awali ekitoke. Kale no, Ba-Biologist—be bo abakugu mu by'obulamu bw'e-bisimbe—kyebayita "Ecology". Ekitoke wekiri bwewatagera ebyo byona obulamu bwakyo byebwetaga, kikula kiyongobera—tekiwanvuwa nyo—tekizala ndu nyingi era endala zikala nga zakatutunuka mu taka. Bwekissa etoke liba tono, era n'okulirya libwatuka. Naye ekitoke ekiri mu kifo awali byona ebyetagibwa olw'obulamu bwakyo, kyetuyita ekigimu. Kiwanvuwa nyo—kigejja—endu ziba nyingi n'endala abakyalabazitema ne bazisula; etoke webaliyunjira webaliwatira olw'obunene bwalyo, era olusuku olwo luwangala nyo.

Bwebutyo n'obulamu bw'abantu bwebufanana. Tusana tusoke okulowozza kw'ebyo ebitwetolode—"Ecology" oba "Environment" yafe; mu byo ebitakirizaganya na bulamu n'okuzala kwafe, tubisalire amagezi; n'ebyo ebirabika nga byongera embera enungi—obulamu n'okuzala kw'ensi—tubyeyune era twongere okubirongosa. Nga tusalira okumpi, katusoke okulongosa ebiringa bino:—

(a) *Social Position yafe.*—Kino, ye mbera gyetuberamu bulijo mu by'obulamu bwafe. Tusana fena tufube bufubi okukuma obuntu-bulamu. Kino, fena tukimanyi, era mu kakyokano sikuba banga bwenjogera nti bangi ku fe tusudde obuntu-bulamu. Kino—eky'okukuma obuntu-bulamu—kye kyokka ekinatuyinzisa okukuma ekifo Eggwanga lyafe kye lirina mu maso g'Ensi, "The World". Tuja kufuba nyo mu kwongera okubunyisa okuyigirizibwa—tumalirewo dala obutamanya kusoma n'okuwandika. Ebyo byombi bye bimukubikulemba obutamanya, songa, obutamanya ye mulabe wafe atukozesa ebisobyo enfunda enkumu, n'oluvanyuma ne twejusa nga "obwayise tebukyayoleka". Mu kuyigirizibwa kuno twandisinze okugenderera abantu bona bayige: "*Obukulu bw'emibiri gyabwe nga bwebuli*". Mu masomero—mu maka—ne mu bifo awalala, mpozi ne mu Ekereziya—mu Mizigiti—ne mu Makanisa—okuyigirizibwa "*Obukulu bw'emibiri gyafe*", kwandituwonyezza ebibi ebisinga era ebitubonyabonya buli lunaku. Obwa-malaya n'okujanjala n'endwade z'obukaba byeyongera nyo mu bantu ababa batalina kuyigirizibwa okw'engeri eyo. Obwa-malaya buteganya bulijo abafuzi, n'amateka ag'engeri zona ne gatekebwa; naye byona buterere. Ensi, nga Russia mu bibuga bibiri byokka: Moscow ne Lenigrad, omwali muwera bamalaya nga obusirivu omukaga (600,000) ku nkomerero y'Olutalo Sematalo olwayita, naye bwebagezako okulongosa ebyo ebirabika nti bye biwaliriza abantu okukola obwa-malaya, awo, bamalaya ne bakenderera dala nyo, era mu 1930; bali basigade nga 800 bokka! Kakati, bwogamba nti mpozi tekyali malaya n'omu, ndowoza oba mutufu.

Ate, okuwasa n'okufumbirwa amangu, ng'omuntu tanakatu-  
ka kyetagibwa bwetagibwa. Kino tekiwonya bwa-malaya bwokka naye era kikakafu nga omukisa gw'okuzala gugenda gusalikako, buli mwaka, omuntu oyo gw'aba yeyongeddeko obukulu. Kammale gagamba nti Omukyala asana afube nyo okuzala nga tanaweza myaka asatu (30) egy'obukulu, kubanga omukisa gw'okuzala kwe gugenda gukendera mangu oluvanyuma lw'emyaka egyo. Amabere olufukamira, kale, nyabo, eryo lye banga lyo ly'otosana kufirwa; bwoliragajalira, kabekasinge nga kafuka kagenderere. Fe, nga Eggwanga eto, twandisanye tugezeke okufumbirwa mu ngeri zona zetusobola, era ekisingira dala, tukume obufumbo obwo tubutekemu ekitibwa. Kino kyetagibwa bwetagibwa mu biro bino, kubanga kya lwatu nti olulyo n'eggwanga lyafe bikendera bukenzezi. Abami, mukume abakyalabamwe, n'abakyalamukume babbamwe—obufumbo bwamwe bubere bwakitibwa era obufufu—kale eggwanga lija kuzala n'okweyongera. Kanyongereko ne kino nti abantu bona—abasaja n'abakazi—tulina ebbanja dene. Twatondebwa ne tuzalibwa banyafe ne bakitafe. Kale, buli omu ku fe alina amabanja abiri, era bwetutagasasula tulina omusango eri Omutonzi wafe. Ebbanja erisoka lirino: Obanjibwa, ozale omwana alida mu kifo kyo, gwe nga ofudde. Eno, ye ngeri yokka ebitonde gyebikumiramu ebika byabyo. Buli ekikula, kizala ekirala okuda mu kifo kyakyo: enyonyi, ensolo ezomu nsiko, ebyenyanya mu nyanja, abantu n'emiti n'omuddo, y'emu ku nsonga kyebiva bifuba bizale. Lye kkubo lyokka ery'okukuma eggwanga lyafe ku nsi. Kino, egwanga lyafe likimanyi nyo; era omuntu bwakula nga tanazala musika we abera n'obweralikirivu bungu. Olw'ensonga eno kyemuva mwabya enyimbe zamwe ne mutekawo n'abasika. Ebbanja eryokubiri lirino: Buli kintonde nga kimaze okuzala ekyo ekirisigala mu kifo kyakyo, kibanjibwa okuzalayo ekitonde ekyokubiri. Gano ge magoba gakyoko ensi g'ekyetagako. Kale, gwe omuntu, obanjibwa abana babiri (2), b'otekwa okuzalira eggwanga lyo lisobole okuberawo ku nsi era lisobole n'okweyongera. Kale, omukazi n'omusaja, abafumbiriganiddwa, batekwa butekwa okuzala abana bana (4). Ogwo, gwe muwendo ogukomererayo wansi gwababanjibwa. Etendo lyafe lisigawo bwetuzala abana abasinga awo obungi. Kale, singa buli bantu kinnababirye, tuzala okutandikira ku bana bana (4) n'okweyongera wagulu, olwo no, obweralikirivu bwafe olw'okukendera kw'eggwanga bwandiwedde. Era mu banga lya myaka kikumi (100) gyokka, fe, kakati, abawera akakade akamu twandiweze obukade butano oba mukaga. Gwe, nyabo, nawe, sebo, sasula amabanja ago agakubanjibwa. Siraba sanyu gyoligya bwotuzalire nsi yo. Eggwanga ly'Abaganda okubula ku mulembe gwo, songa, bajaja bo, bo bafuba nyo ne bakuma olulyo lwafe, kya nsonyi nyo.

(b) *Economical Position.* Okufuna kw'abantu n'obugagga bw'ensi nga bwebisana okulongosebwa. Kino kikulu nyo. Obwawu busukiride, n'endwade ezimu kyezivude zichakala. Fe, awamu nga eggwanga, tusana tubeko kyetukola. Wewa-

x *Etattu lifumita liyali to!*



wo, Kampuni n'Ebibina ebikolera awamu bitandise; naye, nze nzikiriza nti bino bija kusinga okugasa nga kitundu kimu kyakusatu ku bantu bona. Fe, tuli mu nsi ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki. Eby'obugagga byona biri mu taka lyetutuddeko. Kyenva ndowoza nti Okulima etaka lyafe n'okuliribirira kye kinasinga okutuwoyona obwavu buno obusufu obutuliko. Okulima kuja kutugasa bwekuti: Okusoka, mulimu gwa mbavu era buli agukola agukozesa mānyi mangi. Eno ye ngeri emu mwetunasobolera okukozesa emibiri gyafe (exercise) giryoke gibere emiramu era emirungi. Emyala gy'enyama zafe gija kuzimbibwa bulungi, na buli omu atwegombe n'okusinga tusinge "Abaseveni" okulabika nti tulina ekiwago. Kikakafu nti omuntu akozesa enyo omubiri gwe y'asinga okuba n'embavu era n'omubiri guba mwekwafu bulangi, n'okuwangala, omubiri, guwangala nga mugumu.

Mu kulima tuja kufunamu nate eby'obugagga—buli omu ku fe awone obwavu. Pamba oyo, mwena mutegera omugaso gwe. Ebinyebwa—Ebijanjalalo n'okusingira dala ebya "Soya Bean"—Entungo—Omupunga n'Eng'ano—Emwanyi—Taba—Kasoli n'Entangawuzi. Ne bwesimenye kalonda, nkakasa nga ebyo byona mulabye bwebirina etunzi (si lwa lutalo lwokka naye era ne mu bisera eby'edembe). Kale, etaka lyafe, ebyo byona bikulako bulungi n'okusinga mpozi, ensi ezitwetolode. Abafe, ani atatukirire ekimu kw'ebyo n'okufuna n'afunamu ensimbi?

Okulima tufunamu omugaso ogwokusatu era gwendowoza nti gwe gumu ku byetagibwa enyo eggwanga liryoke lizale nyo. Kye ng'amba ze mmere eziribwa. Mu kulima, tuja kusanga nga mwokka mwetunasobolera okufuna emmere ezetagibwa olw'okuzala. Emmere zona ez'empeke "cereals"—nga: Kasoli, Engeri zona ez'Ebijanjalo ne Kawo n'Obuyindi-yindi (all peas and beans), Entungo, Obulo n'Omuvumba, Eng'ano, Enyanya, Dodo, Ebbuga ne Nakati, Emichingwa, "Soya-Beans", Kalati, emmere zona ez'ensigo n'okusingira dala ensigo zazo bwezibera zitandikiriza okumera oba okuloka. Ebibala bya Lettuce, Oats n'Entende (Palm Oil), Berly, okusingira dala emmere ez'ensigo ezirina amafuta oba omuzigo, ezinyerera. Zino zetagibwa bwetagibwa kubanga zirimu "Vitamina" ezetagibwa omubiri olw'okuzala. Nga sinamaliriza byakulima kanyongereko ne kino nti Okulima kugendera wamu n'Okulunda—mu maka g'Omulimi temubula Nkoko oba Embuzi. Akisobola, kubanga eby'okuzirisa aba na byo kumpi. Amagi, ye mmere ey'ekika kya "Protein", era ate, galimu ne "vitamina" ezetagibwa. Omuntu asinga okulya emmere enungi ey'ebika ebya "proteins", engeri z'enyama, "carbohydrates", engeri z'emmere ezirimu sukali, "fats", engeri z'amasavu n'omuzigo ne Vitamina—vitamins—y'asinga obulamu obulungi. Okuzala kugendera wamu n'obulamu obulungi. Kale, bwekuty, okulya emmere eyetagibwa omubiri (Balanced Diet) kyetagibwa nyo dala.

(c) *Endwade*. Zino ziri mu bitundu bibiri: waliwo "*Endwade ez'Obukaba*", era zino, kakano, zichakadde bulala nga bwetutegedde. Kwe kugamba nti Eggwanga liweddewo okulwala enjoka, erayo, enjoka, y'esinze okuziyiza abakazi

bafe okuzala. Waliwo ate endwade endala ezikwata omuntu, nga: Akafuba, Omusana, Entumbi, Obutalya bulungi (Malnutrition), era n'endwade ez'engeri endala. Endwade zino, ezimu tezebereka.

Kanzireyo ku bulwade bwe "Nziku" nate. Nga bwetumaze okwekkanya, enziku bw'erwaza enyo abakyala mu nda n'okulumwa ne balumwa buli kiseri, kye tuyita "Ebicalanga". Bwetyo, ezibira dala obuseke obuleta amagi mu Nabana. Obuseke ne buzimba ne bufuka ebizimba. Bino, olusi Abasawo babirongosa ne babigyamu, n'obuseke ne babusala. Oyo no alongosebwa n'agyibwamu ebizimba eby'engeri eyo aba takyazala. Wewawo, ye abera awonye "ekigalanga"; naye okuzala, lubera lufuse lugero gyal. Kale, Enziku, obanga yetuganyi okuzala, tugisalire magezi ki? Amagezi tunakwata gaganjo:

(1) Okugyetangirira ereme kutukwata—"Prevention". Wekume nyo nga tonafumbirwa oba nga tonawasa, gwe omuwala, nawe omulenzi omuvubuka. Gwe, sebo, nawe, nyabo, abafumbo, mukume obufumbo bwamwe obw'engeri zona, era mubutekemu nyo ekitibwa. Mugenderere okuwasa n'okufumbirwa amangu, nga mwakavubuka. Genderera okufumbirwa omuntu gw'omaze okutegera nga talina nziku oba oyo abera amaze okujanjabibwa n'okuwonyezebwa. Nyabo, wegombe nyo obutafuka malaya; kubanga obwa-malaya bwonona obuntu bulamu bwo n'abantu ne bakuyisamu emimwa buli lwebakutunulira bulijo. Obwa-malaya bukugumbawaza: kubanga omwoyo gwo n'omubiri gwo tebibera mu mbera nungi; era, mu bwa-malaya olwalirayo enziku ne kabotongo, nga n'akafuba kw'otadde—olw'okunywegera. Gwe, sebo, oba nyabo, enjoka gw'ekutte: weyune abasawo mangu, mu sabiti gy'ekukwatidemu; era togenda eri muutu yena oleme okumusiga enjoka. Tokikola okutusa ng'omaze okuwonyezebwa.

(2) Okujanjabwa Obulwade bw'Enziku. Eda, abantu balowanzanga nti enjoka tewona. N'olw'ekyo, buli gweyakwatanga, nga esubi ly'okuwona limuggweramu dala. Kakano, *mbaletera okulabula okukulu* mu bulamu bw'Eggwanga lino. Enjoka ewonyezebwa; edagala lyavumbulibwa erigiwonya mu sabiti emu yokka. Tufube tugijanjabwa: eggwanga lija kuwona akabi keririmu kakano.

Bwetutunulira ensi endala enkulu era ezeyinza—tulaba ng'abantu balemwa okwejanjabwa enziku olw'okwesaulira ensimbi ez'edagala erigiwonya. Kale, Gavumenti z'ensi ezo zo kyezava zitwala omulimu ogw'okujanjabanga abantu bazo olw'enziku, awatali kubasasuza, Nkakasa nga na fe, lye kkubo lyetusanide tukwate. Okujanjabwa abantu abalwade enziku kusana kubere kwa bwerere awatali kusasula nga Gavumenti y'egula edagala buli muntu, omwavu n'omugagga, bafune okujanjabwa kumu; bawone enziku.

Obulwade buno, olw'okubanga bwansonyi; kale, n'ebifo omunajanjabirwa abaziku bisana bibe bya kyama so si bya lwatu. Ebifo eby'engeri eno bisana bizimbibwe wona ku buli kyalo, abantu bona basobole okutukibwako okujanjabibwa. Esawa ez'okujanjabirwamu: zivenga nkya okutusa esawa 4 oba 5 ekiro; abakozi n'abatambula eng'endo empa-



nvuko basobole na bo okujanjabibwanga. Okujanjaba kube kwa bwerere, nga si kwakusaulira, wade senti emu. Ensi ezo enkulu, zo zimaze okuzula nga eno ye ngeri yokka esobola okuwonya abantu enziku. Amagezi ag'engeri endala gona galemwa. Na fe lye kkubo lyokka lyetusanye tukwate. Eggwanga bwerinamala okuwona akabi k'Enziku, okuzala kuja kweyongera enfunda nga tano n'okukirawo. Era okulongosa embera zafe mu maka—Rural Hygienic Condition—kija kutubera okuwona ezimu ku ndwade ezomu kibina kiri kyenagambye nti ezimu tezebereka.

"**OBUFUMBO OBUTALINA BANA**"—Sterile Marriage—Eri abantu abafumbiriganwa ne balemwa okufuna ezade. Sirina bingi byenyinza kubawako magezi. Nandyagade nsoke okubabuza ebibuzo bino: Mufumbiddwa nga mwakavubuka? Mulya emmere nga ezogeddwako wagulu? Temulina ndwade za bukaba n'endwade ez'olukonvuba? Kale, ebyo byona bewiba nga si ye nsonga ebalobedde okuzala; amagezi agasinga kwe kugenda eri Omusawo omutufu—qualified Doctor—aja kubawa amagezi aganababera okufuna omwana. Buli musawo yena eyasoma ebigambo by'obusawo n'amaliriza amadala g'obusawo aja kusobola okubawa amagezi ku kigambo kino. Wewawo, wano mu Buganda, abasawo ab'engeri eyo batono nyo era bakanyi mu bibuga ne mu malwaliro manene gokka; naye, nandigambye nti bemuba mweyambisa nga obutono bwabwe bwebuli. Tetusana kubaleka bulesi, tusana tubateganye nga bwekisoboka, era, na bo, nkakasa, betefutefu okwolekera omulimu gwona olw'obulungi bw'Eggwanga.

## BOOKER T. WASHINGTON—SINGA YALI MU UGANDA

(EBIGAMBO EBYAYOGERWA OM : BALAMU J. MUKASA)

**B**ULI mulembe ogubawo guleka akabonero kagwo ku nsi. Ebintu bingi ebibawo mu mulembe ogumu mu buli gwanga. Ate kiri kumpi okuba nti buli mulembe gulowoza nti omulembe ogwayita gwegwali gusinga obulungi. Mu America, erinya lya Booker T. Washington limanyiddwa nga lyeriryo ery'oyo eyayatikiriza omulembe gwe, mu kuyimusa abantu be okubagya mu nzikiza n'okubalaga omusana.

Booker Washington yazalirwa mu saza eriyitibwa Virginia, nga lye limu ku masaza 48 agali mu gwanga ly'e America. Esaza lino liri mu kitundu ekya wansi, era saza gimu nyo lya bulimi. Mu kisera kyeyazalirwamu, obuddu bwali nga busasanye wona mu nsi eyitibwa empya, n'okusingira dala nga buli kakano mu nsi gyetuyita United States. Mu kisera ekyo kyali kizibu omuddu okumanya gyeyazalirwa wade olunaku kweyazalirwa, era n'olusi kyabanga kizibu okumanya n'abazade be. Kyali mu mateka nti omuddu asangibwa nga ayiga okusoma amaso bagagyamu n'oyo ayiga okuwandika engalo bazitemako. N'olw'ekyo kizibu okumanyira dala omwaka Booker gweyazalirwamu, naye ye yawandika mu kitabo

kye "Up From Slavery" nti alowoza nga yazalibwa nga mu mwaka 1858 oba 1859.

Okwetegereza obulungi n'ekitibwa ebya Booker T. Washington awamu n'omulimu gwe ogwamuletera ekitibwa ekitagambika, kitusanide twekkanye katono ku buddu buno nga bwebwali.

Nawulira Professor omu Omudugavu nga ayigiriza Theology, yagamba nti Obuddu abadugavu bwebalaba mu America bwasingira wala obuddu abana ba Isiraeri bwebalimu mu Misiri. Okumala emyaka nga 250 abadugavu b'e West Africa n'awalala bawambibwa ne batwalibwa mu nsi y'e America okukolayo emirimu. Obuddu buno nga bwebwali bye bibyo ebisomeddwa abangi mu byafayo, tekinsanide kubigendamu nyo, wabula okwagala okulaga bazukulu ba Booker obuzibu bwebayitamu. Kyali kyasa kya 17 abaddu lwebasoka okutwalibwa ne batusibwa mu Virginia. Eno mu Africa bagyibwangayo lwa mpaka ne batambuzibwa na mpingu ne balisibwa emmere ntono era embi ku meri, ne batusibwa mu America, ne batundibwa laisi mu katale. Eyinganga okuwa omuwendo ogwa wagulu yeyatwalanga omuddu oyo. Omuwendo gw'omuddu gwavanga ku ndabika ye n'omulimu ogumusubirwamu.

Bajaja ba Booker bwebatyo bwebatundibwa mu buddu. Babonyabonyezebwa nyo okumala ebanga eryo ery'emyaka 250. Naye ebyo kambireke ntuke ku Booker yenyini. Kyamazeda okugambibwa nti Booker yazalibwa nga muddu, kwe kugamba nti abamuzala bali baddu. Mu mnaku ezo omuddu bweyazalanga omwana, nga omwana oyo afuka ekimu ku ebyo eby'okufuna ebya mukama we. Omuzade nga talina buyinza bwona ku mwana we. Kye kimu n'omuntu alina embwa ye bwezala obwana abutunda nga bwayagadde awatali kusoka kubuza kirowozo kya mbwa eyabuzala. Kitawe wa Booker yali wa mubiri mweru, nga nyina ye mudugavu.

Emyaka egyasoka egya Booker yagimala mu buddu mu Virginia. Yayisibwa nga abaddu bona bwebayisibwanga. Yalaba bingi mu kisera ekyo era n'ayiga bingi ku ngeri y'obuddu nga bweyali; byona yabitereka mu mutima gwe n'abikozesa oluvanyuma okuyamba abantu be.

Obuddu si bona ababusima. Abantu bangi dala abalungi balaba mangu nti ekigambo ky'okusiba omuntu mu buddu okumala obulamu bwe bwona si kirungi, era ne bakyogera lwatu. Mu kisera ekyo bingi ebyayogerebwa era n'ebyakolebwa ku kwagala okuwa abaddu edembe. Abamu ku baddu bagezako okwefunira edembe lyabwe bokka olw'amanyi, naye temwali mukisa mu kino. Ku ludda olulala yaliyo na yo abantu bangi abagamba nti obuddu kirungi era nti ne Katonda yakikiriza nti kubanga yafula Hamu okuba omuddu wa banne; nti Hamu ye mudugavu. Ebimu ku ebyo ebyasinga okukola ku mitima gy'abantu mu kisera ekyo kyali ekitababwakiyitibwa "Uncle Tom's Cabin" ekyawandikibwa Harriet Beecher Stowe, era n'amawulire agayitibwa "Liberator" agakubibwanga omusaja ayitibwa Harrison. Omulundi gumu Harrison yagamba mu mawulire ge ago nti "Ku kigambo kino eky'obuddu siyianza



kukyogerako mu ngeri ya kwetamatama, siyinja kudiriza mā-nyi gange kukyo, era nzija kuwulirwa. Abo abasiba bantu bannabwe ne babafula abaddu bakola endagano ne Geyena era bantu ba kufa". Ebigambo bino, nadala ebyo eby'omu "Uncle Tom's Cabin" byali nga ekibiriti ekisuliddwa mu debe ya petrol. Eggwanga lyesalamu ebitundu bibiri, nga ekimu ki-rwanyisa kinnakyo ku nsonga eno ey'obuddu. Abali bagala okusumulula abaddu nebasinga. Esaza Virginia, Booker Washington mweyali lyali ku ludda lw'abo abagala obuddu buberewo.

Booker agamba nti olutalo luno Civil War lwaliwo nga ye muto, naye nti kyokka nga ayinza okutegera ebintu ebiriwo. Yawuliranga abaddu ekiro etumbi nga bekung'anyiza okusa-bira amagye g'e North gawangule olutalo.

Ku January 1, 1863 abaddu bawebwa edembe. Ku lunaku olwo ne Booker T. Washington yafuka ow'edembe. Naye ekigambo eky'akabi gyebali mu kiseru ekyo kyali bwekiti: edembe bweryamala okuja nerisanga nga abaddu bavu ba lun-kupe, tebalina webasula, tebalina kyebalya, tebalina kyeba-mbala. Era n'abo abali babafuga nebabassako abiri nti katu-labe kyemunakola mwe mwayagala edembe; katulabe edembe kyerinabaletera.

Naye abaddu bakakasa nti newakubade tebalina kantu, oku-bera ow'edembe kisinga okubera omuddu, ne basasana mu nsi yona eya America, nadala mu kitundu eky'e South. Si bona abategera akabi kebalimu nga bwebali. Newakubade nga bo tebakyogera, naye mu kiseru ekyo bali nga betaga Musa. Musa teyalabikirawo mu kiseru ekyo, ne buli omu n'a-yagala okufuka Musa, n'ekyavamu kutabukatabuka. Ne bagala okufuka ba-gavuna bamasaza, n'obwami obulala obukulu, songa, tebalina musingi kwebayimiridde. Kale no, mu kiseru ekyo Musa n'alabika, ye wuyo eyaja okubatekerawo omusingi omunywevu era eyeraga nga ye mukulembeze wabwe owa mazima, ye Booker T. Washington.

Nga tetunnaba kutuka ku ngeri Booker gyeyalagiramu obu-kulembeze bwe obukulu nga bwebwali, katulabe engeri gyeyayi-tamu okubutukako. Edembe bweryamala okuwebwa abaddu, ye awamu ne nyina ne baganda be bava mu saza lye Virginia ne-bagenda mu saza edala eririranyewo ery'e West Virginia. Nga bantu bavu dala. Booker yasoka kukola mu kifo omu-nyo gyegusimibwa: nga Kibiro ne Katwe ebya kuno bwebiri. Bweyali nga ali eyo akola mu munyo, newaja mu kyalo ky'ewabwe omulenzi eyali amanyiko ku kusoma n'okuwandika. Omuvubuka oyo nayatikirira nyo mu kitundu ekyo ku-banga amanyi okusoma n'okuwandika, abantu nebesoloza senti zabwe ne batekawo akayumba katono akabi okusomesezamu aba-na babwe, nga omuvubuka oyo y'abasomesa. Naye no eky'e-nnaku eri Booker ye natakirizibwa kusoma kubanga yali ako-la mu munyo. Yawandika mu kitabo kye nti bweyalabanga abana abalala nga bamuyitako bagenda okusoma ye ali mu munyo, ennaku nezijula okumutta. Bakama be balwa daki ne-bakwatibwa ekisa nebamukiriza okusoma, kyokka nga amala kuja kukola mu munyo okutusa ku sawa satu ez'enkya n'a-

lyoka agenda asomayo ate n'akomawo n'akola. Olwokubanga waliwo akabanga okuva weyakolanga okutuka weyasomanga, bweyavanga eno esawa 3 yasang'anga banne batandise da okusoma. N'asala amagezi, mu kolero mwalimu esawa, Booker naginyola n'agizza emabega kitundu kya sawa alyoke atuke mu somero nga obudde bwe hubwo. Omukulu w'ekolero ki-no yakizula oluvanyuma, naye neyewunya bwewunya obuka-labakanga bwa Booker okulowozza ku kunyola esawa alyoke yeyongere amagezi.

Mu kasomero ako Booker gyeyetumira erinya erya Washington. Omuddu teyabanga na manya abiri, wabula olusi yabanga n'e-rinya lya mukama we. Era erinya eryo Washington yalyetu-mirawo mangu nga Omukulu w'akasomero amubuzizza erinya lye aliwandike. Akasomero tekalwa nga kaggwa. Booker na-dayo okukola. Mu kiseru ekyo n'afuna omukazi Omuzungu ow'ekisa eyamuwa omulimu gwa mu nyumba. Omukazi oyo abantu bonna ku kyalo nga bamutenda obukambwe era nti omuntu yena agenda okukolayo tamumaza nnaku bbiri nga tanamugoba. Naye Booker ye yalwayo nyo nga akola kubanga yali mukozi mwegendereza era ow'amagezi ate omuwombefu. Okuva olwo n'omukazi oyo Omuzungu namu-yamba okumufuniranga emirimu egya senti enyengiko awa-lala nga babadde bamusabye omukozi omulungi.

Ekiseru kyatuka Booker nafuna omulimu gwa kukola mu binya by'amanda. Ebinya bino biba biwanvu nyo bigenda olusi mailo namba wansi. Bweyali nga ali eyo wansi mu taka akola, n'awulira abasaja babiri Abazungu nga bogera ku somero erigya eryali litekeddawo e Hampton okuyigiriza Abadugavu abakava mu buddu. Booker nasoba mpola kubanga anti yali nzikiza, n'asembera awali abasaja abo nawulira byona ye bayogera ku somero eryo. Awo no nga n'ememe emutundu-ga, Booker nagamba mu mwoyo gwe nti "Nange nja kugenda okuyingira Hampton Institute, nsome, n'fune amagezi". Okuva weyali okutuka e Hampton nga waliwo nga mailo 600 (lukaga), ate yali nga talina nsimbi ziyinza kumutusayo. Naye ye namalirira okugenda okuyingira esomero eryo.

Booker nga bweyatambula mailo ezo 600 n'ennaku zeyala-bira ku kubo, enjala eyamuluma, n'ensalosalu zeyasulangamu n'okulumizibwa okw'engeri endala kweyalimu ebyo kambire-ke buli muntu okuyinza okutebereza nga bwayagala. Ka-tulabe nga bweyayingira mu Hampton Institute. Mpozi kanjogere wano nti Hampton lye limu ku masomero g'Abadugavu amakulu mu America olwa lero.

Booker T. Washington yatuka e Hampton nga ali mu buzina, nga talina senti wade emu. N'agenda buterevu eri Omukulu w'Esomero namugamba nti azze kuyingira mu somero. Omukulu n'amukwasa Omukyala alabirira eby'Okuyingira mu somero. Okukozesa enjogera ey'ennaku zino, bweyamutunulira nga tamumalayo. N'amuwa ekisenge kimu okukyera n'oku-kisimula. Booker agamba nti bweyawebwa omulimu ogwo n'amanya nti okwo kwe kubuzibwa kwe okusinga obukulu mu bulamu bwe. Ekisenge n'akya emirundi ena nga akidamu n'okukisimula bwatyo. Omukyala bweyaja okulambula omu-



limu, n'adira akatambala ke n'akayisa ku mbawo nga tekuli nufu. Booker nakirizibwa okuyingira mu Hampton.

Eyo, e Hampton, yamalayo emyaka esatu, n'ayiga bulungi nyo dala, olwokubanga yali muntu wa bwongo bulungi. Okusasula ebisale by'esomero, yawebwanga emirimu mu somero n'akola nga kwasoma, era mu kufuluma yafuna ebaluwa nungi nyo.

Olwokubanga yali muntu wa magezi bweyafuluma esomero n'awebwamu omulimu gwa kusomesa. Eyo n'akolayo okumala akabanga. Kale no, nga akyali eyo ekisera kye eky'okubukulembeze nekituka—gwe mulimu gw'obulamu bwe.

Abazungu basatu ab'omu saza ly'e Alabama bawandikira Omukulu w'e Hampton Institute nga na bo mu kitundu ky'e-wabwe betaga okuzimbirayo abadugavu esomero ery'okubayigiriza eby'amagezi. Kyokka nebasaba omukulu e Hampton okubawa amagezi abawereze erinya ly'Omuzungu gwamanyi asobola omulimu ogwo. Omukulu w'e Hampton yabadamu nti Simanyi Muzungu gwenyinda kubawa linya lye, naye obanga mwagala Omudugavu tewali gwenyinda kubatendera nga Booker T. Washington. Ne bali nebakiriza, nga kyokka tebamanyi mukisa gwabwe bweguli mu kufuna omusaja afanana bwatyo atatera kusangika mu myaka 100.

Bwatyo Booker nagenda okutandika esomero ly'e Tuskegee mu 1881. Esomero eryo yalitandika nga talina nsimbi, ate nga talina bizimbe. Nalina omukisa okuyitayo mu 1936 nalisangamu abasomi 3000, abasomesa 300 bonna Badugavu, n'ensimbi entereke 8,000,000 (dollars) nga obukade bubiri obwa Pounds? Kino ki ekyakireta?

Kiri kimu kyokka ekyamuletera omukisa. *Yalina okukiriza mu nda ye nti asobola.* Yatandika n'abasomi 30, nga abamu ku bo obukulu bwabwe bwa myaka 40. Abantu abagagga bwebamala okulaba nga atandise omulimu, bamuyamba. Kyanditutte ebanga dene okunyonyola obuyambi obw'engeri eno bweyafuna. Kyokka ekyasinga okumufunyisa obuyambi obwo kwe kuwulira nti atandise esomero ery'okuyigiriza abadugavu emirimu egy'engalo awamu n'eby'amagezi amalala. Naye mu kiseru kye kimu yafuna abalabe mu bantu be benyini abadugavu nga bagamba nti Booker Washington ayagala okutuzza mu buddu omulundi ogwokubiri kyava ayagala okuyigiriza emirimu egy'engalo, n'atayigiriza bana bafe Latin ne Greek. Abalabe be nga bagamba nti ekyetagibwa kwe kuwakana n'Omuzungu mu by'amagezi g'omutwe na bo babe nga Omuzungu bwali. Washington nabagamba nti kisinga obulungi omuntu okusoka okufuna enyumba ey'okusulamumu, emmere ey'okulya, n'engoye ez'okwambala nga tetunnaba kutandika kuwakana na Muzungu mu bigambo ebirala.

Bweyali nga agenda okutandika omulimu gwe, yalaba nga kimusanide okusoka okwetegereza embera y'abantu be nga bw'eri. Kubanga yalaba nga kimuli kizibu okubawa obuyambi bwona wabula nga amaze okulaba okwetaga kwabwe nga bwekuli. Kyeyava asoka okutambula mu saza lyona ery'e Alabama nga agenda asula buli wantu nga yetegereza

ensula yabwe nga bw'eri n'ebirala byona ebibafako. Mu nnaku ezo kyeyakola kye kyo ennaku zino kyetwandiyise "Social Survey", nga abamu ku fe bwetwagezako okukola akatono ku lusozi lw'e Makerere naye netusubirwa okuba abakessi ba gavamenti. Booker bweyakomawo okuva mu kulambula kwe yali nga amaze okujjula okwetegereza nti abantu be bakiyali bubi nyo mu ngeri y'ensula, enyambala, n'endya. Yawunikirira okulaba nga mu bitundu ebimu yasanga abavubuka abakutte ebitabo bya Latin ne Greek ne French Grammar bayiga, songa, ekifo mwebatudde obujama obuli awo tebutendeka, nga ne mu lugya ebisasiro n'omuddo bitakira dala mu nyumba. Yalaba nti omuntu nga tannaba kuyiga kwerabirira mu bulamu bwe n'esanyu lye ebimutukako mu kiseru kyalimu, kiba kya bwerere okugezako okuyiga ebitaja kumuyamba mu kiseru ekyo.

Omulimu gwe bweyagutandika e Tuskegee, nga bweyamaze okwogerebwa, Booker yali talinawo kizimbe na kimu. Naye waliwo ekiyumbayumba ekibi enkoko mwezasulanga. Booker natesa okusoka okusomesa omwo, naye wali wakyaliwo omulimu ogw'okukirongosa. N'ayita omu ku abo abali baliranyewo aje amuyambe balongose ekiyumba ekyo. Naye oyo gweyayita yamusekerera busekerezi nti Ani ayinza okulongosa enyumba y'enkoko mu budde bw'emisana!! Booker ye nga agyamu koti ye kulongosa, nga ayita basomi kusoma.

Ebiro ebyasoka e Tuskegee byali bya kabi olwokuba nga yali talina nsimbi. Awo nalyoka atandika okuyigiriza abasomi be okuzimba amayumba, okubumba amatofali, n'emirimu emirala gyonu egifa ku kuzimba, n'okulima. Mu bino byona n'ayambibwa abantu ab'ekisa abagagga. Kati omugeenyi bwotuka mu kifo ekyo bakulaga nga amayumba agasi-nga obungi gazimbibwa basomi.

Eryo lye somero Mwami Danieri Kato, Omukulu w'Abalimi Omuganda, gyeyayigira. Liyigiriza ebintu ebitali bya ngeri emu. Ku mwe abamanyi Mwami Kato obulungi era n'omulimu gwe gwakola, munetegereza nti esomero eryo limanyi okuyigiriza.

e Tuskegee omusomi ayigirizibwa eby'emikono n'eby'omutwe. Gwali mukisa gwange okuba omugenyi e Tuskegee awamu n'abasomi abalala 21 abava mu Yale University ne tumalayo ennaku 4 mu April, 1936. Wewawo olwokuba twali tva Yale, esomero ly'abagagga ab'America, tetwawunikirira nyo okulaba obunene bwa Tuskegee, naye somero liwunikiriza. Dene nyo, kumpi kuba nga kabuga. Bayigirizayo obulimi, obuzimbi, eby'amaka, n'eby'amagezi ag'engeri endala. Enyumba y'abasomi mwebalira eri kumpi kwenkana ekizimbe kyafe ekigya eky'e Makerere. Ebizimbe byabwe byona byazimbibwa mikono gy'abadugavu.

Bwoba nga kyoje oyingire mu somero, mangwago olaba ekifananyi ky'ekikomo. Kye kifananyi ekifanana nga ekyo King George ekyesimbye mu maso ga High Court wano e Kampala. Ekifananyi kiri kya Booker T. Washington nga ayimiride, musaja muwagufu, ne wansi we nga waliwo omu-



saja omulala omudugavu eyebikkiridde bulangiti wonna wonna wabula nga olabako maso. Ne Booker nga omukono gwe ogumu gukutte bulangiti gugigya ku maso g'omusaja. Bwatyoo Booker omulimu gw'obulamu bwe gwali okulaga abantu be omusana.

Ekiyukizo Booker T. Washington kyeyalekera ensi lye somero ly'e Tuskegee. Okugyako ekyo, asinga okujukirwa olw'obukulembeze bwe mu gwanga. Yali muntu wa magezi mangi nyo, amanyi okwogera obulungi. Teyalina kiseru kya kwonona, era teyali muzanyi wa mizanyo. Buli kiseru yabangako kyakola, oba okugenda gyebamuyise okwogera ebanga dene okuva e Tuskegee. Olusi nga bamuyita ayogere ku Tuskegee, olusi nga bamuyita ayogere ku kwetaga kw'abantu be. Nga bweyali mu kitundu eky'e South enkolagana wakati w'Abazungu n'Abadugavu gyeteri nnungi, kino teyalema kukirowozanga n'okulaba nga bwayinza okumala okukyawagana okwo. Ye kenyini bamusangamu ekitibwa, era okuwulira nti Booker anayogera egindi nga n'Abazungu baba. Bali bamaze okumukiriza nti ye mukulembeze omulungi ow'Abadugavu.

N'okusingira dala esomero eryo ery'e Tuskegee lyamwatikiriza. Naye singa ogerageranyiza awamu ekyasinga okubunya obwatikirivu bwe eri ensi yona eya America, okuva ku nsenda emu okutuka ku ndala, byali ebigambo byeyayogerera mu kifo Atlanta mu saza Georgia mu mwaka 1895. Eyo yali nga agenda okubayo Omwoleso omukulu ogw'amawanga gona ku pamba. Okutusa mu kiseru ekyo wali nga tewabangawo mudugavu ayitibwa kwogera mu kibina ekikulu nga ekyo. Kyalabika nti ku luno omudugavu asana abere omu ku bozezi. Balaba mangu nti Booker y'asanide okwogera. Erinya lye bweryategezbwa nti y'anayogerera abadugavu, abamu nebatya nti omudugavu anayogera ki mu kibina ekinene era ekikulu ekyenkanide awo omuli ababaka abavudde mu mawanga agatali gamu amakulu mu nsi zona. Beralikirira nti aja kuswaza America. Na ye kenyini ayatola mu kitabo kye nti bweyasitula e Tuskegee okugenda Atlanta okwogera yali nga omuntu gwebagenda okuwanika ku kalabba. Buli ggali weyayimiriranga yasangawo ekibina ky'abantu nga bamulagako olunwe nti "Y'oyo agenda okwogera mu Atlanta ku lw'abadugavu."

Bweyasituka okwogera, engalo zafuluma mu kitundu ky'abadugavu kyokka. Bweyasirisa okwogera kyali kizibu okusirisa engalo n'okulekana okw'esanyu okwafuluma ku njuyi zona olw'abazungu n'abadugavu. Bangi ku bazungu basituka nebagamba nti Oyo ye Musa dala.

Yabagamba ki? Yabagamba ebigambo bingi, kyokka kanjogere katonno ku bisatu ku byo:

Yabagerera olugero: lwali lumu amato abiri negasisinkana ku nyanja. Eryato erimu neriwanika ekiwandike ekigamba nti "Amazzi, amazzi, mutuwe ku mazzi enyonta etutta". Eryato edala neridamu bweriti nti "Munyike ensuwa zamwe wemuli". Ab'omu lyato liri nebatategera makulu gakyoo, ne bongera okuwanika ekiwandike kyabwe nga basaba amazzi,

ne bano nebadadamu kye kimu nti "Munyike ensuwa zamwe wemuli". N'omulundi ogwokusatu bwebatyoo, okutusa Omukulu w'eryato eryali lyetaga amazzi lweyalagira ensuwa okunyikibwa mu mazzi ne bafana amazzi amalungi ag'okunywa, olwokubanga gyebali bayita enyanja gwali mugga Amazon weguyingirira mu nyanja. Abantu bonna abali bamuwulira, kigambibwa nti bawera omutwalo, Booker nalyoka abawunikiriza nga abagamba nti tekirina mugaso abantu okugamba nti katusenguke wano tugende egindi oba gindi yeri obugagga, oba obulimi, oba nti gyebanasinga okubera obulungi, singa ensuwa zabwe bazinyika wano webali handisenye amazzi amalungi ag'okunywa mu bulimi, mu busubuzi, mu njigiriza, mu buzimbi, mu maka amalungi, n'ebirala.

Ekirala yabagamba nti "No race can prosper till it learns that there is as much dignity in tilling a field as in writing a poem". (Abantu tebayinza kweyongera mu maso okutusa lwebamanya nti kya kitibwa okulima etaka nga bwekiri ekyekitibwa okuwandika poem).

Ekirala yabagamba nti "No race that has anything to contribute to the markets of the world is long in any degree ostracized". (Abantu abalina byebayinza okutunda mu butale bw'ensi tebayinza kulekebwa mabega mireembe gyona).

Ebigambo bino amawulire g'America gabibunya mangu mu nsi yona enkeru. Okuva olwo Booker T. Washington namanyibwa eggwanga lyona. Abayogera kw'olwo bali bangi abazungu abebitibwa. Naye amawulire gakiriza bumu nti tewali yayogera kusinga Booker T. Washington. Era mu kibuga yaduka budusi okudayo e Tuskegee nga tewali w'ayita nebatamulagako lunwe, abazungu n'abadugavu, nti y'oyo Booker T. Washington eyasamaliriza ensi olwajo. Etutumumu lye lyatuka n'oluvanyuma nga wayise ebanga dene President wa United States yamuyita okulya na ye eky'emisana, mu White House.

Mu mwaka 1899 Booker T. Washington yakyala e Bulaya omulundi omuberyeberye. Okuva lweyatandika esomero lye mu 1881 yali nga tafunanga kuwumulako. Nga ye takiriza kuwumula. Mikwano gye nebatandika okweralikirira nti obutawumula aja kulwala, ne basonda ensimbi nga ye tamanyi agende awumule e Bulaya. Bwebamutegeza n'agana nti tayinza kugenda Bulaya, omulimu gwe anagulekera ani? Naye bali nga bamaze okumusalira amagezi nga n'etikiti baziguze zona gyalitambula, ate n'ow'okusigala mu kifo kye nga bamulabye. Lero kyenkana bakwata mukwate okumuteka ku lyato.

Mu Bulaya yakyala e Bungereza, Bufalansa, Budaki, Bubi-rigi, n'awalala. Mu Bungereza, yalina omukisa ogw'okusembezebwa Queen Victoria. Era yalaba ne ku H. M. Stanley, gwe-tumanyi, n'ayogera na ye bingi ku Africa. Agamba nti bweyamala okwogera ne Stanley, yalaba nti abadugavu abali mu America kirungi babere eyo gyebaja okubako ekirungi kye-bakolera ensi.

Bweyakomawo e Bulaya, abomu saza Virginia, gyeyazalirwa era gyeyali mu somero e Hampton, y'eyo era gyeyasulirako mu nsalosalo nga talina gyasula, bamuyita ne bamufumbira embaga nga bwebagamba nti "Otwadde ekitibwa mu saza



lino olw'omulimu omukulu gwokoledde eggwanga, gwe mwana wafe dala eyazalirwa mu saza lino".

Booker Washington yafa mu 1915. Enyumba ye mweyasulanga nungi nyo, era gyeri e Tuskegee; yafuka kijukizo eky'okulaganga bonna abakyalayo. Buli kintu mu nyumba omwo kiri Booker weyakireka. Nzijukira bwetwali nga tulambula enyumba eyo, Omusomi omu Omu-Dutch ow'e South Africa, yatula mu ntebe ya Booker eyoku meza mu kisenge ky'okuwandikiramu nga bwagamba nti "Kantuleko mu ntebe ya Booker Washington, bwendidayo e South Africa ndibategeza nti nagitulamu". Ekyo kimala okutegeza obwatikiri-vu bwa Booker T. Washington.

Booker T. Washington—Singa yali mu Uganda, yandikozemu ebintu bisatu:

*Eky'oluberyeberye:* yandifuse omukulembeze w'abantu be: obukulembeze kigambo kizibu, era kyandyetaze njogera yakyo kubwakyo olunaku olulala. Mu nsi muno okugyako Sabasaja Kabaka, ndowoza tewali muntu gwetuyinza fena okugamba nti gundi ye mukulembeze wafe, era mpozi obukulembeze ng'obwo tetunnaba kubwetaga. Naye webali bangi abali mu mirimu egitali gya ngeri emu betuyinza okulowoza nga abakulembeze bafe. Webali abalina endowoza esanira ku ggwannga lyabwe awatali kulowoza ku bulungi bwabwe nyo nga Booker T. Washington bweyali. Naye bangi ku bo tebamanyiddwa. Bangi ku bo tebali mu kibina kyetulowoza okuba ekyo wagulu, si bami. Buli yena akola n'atukiriza obulungi omulimu gwe bwaba nga alabirirwa oba talabirirwa aba nga yetika obuzito bw'eggwanga lye era nga y'omu ku bakulembeze balyo.

*Eky'okubiri:* kifanana n'ekyo kyemmaze okwogerako ku nkomerero y'ekisose. Booker T. Washington—singa yali mu Uganda yandibadde muyigiriza mukulu. Okuba omuyigiriza omukulu nga Booker bweyali kye kimu n'okuba Omulimi Omukulu, Omusubuzi Omukulu, Omwami Omukulu, Omusawo Omukulu, Omubazzi Omukulu, Omuzimbi Omukulu, Omuwesi Omukulu, Omukomazi Omukulu, Omuvubi Omukulu, Omuwandisi Omukulu. Ndowoza waliwo wenakisoma naye sikyajukirawo nti "Olaba oyo anyikirira omulimu gwe? Aliyimirira mu maso ga bakabaka".

*Eky'okusatu:* Booker T. Washington—singa yali mu Uganda yandituyingizzamu omwoyo ogugamba nti "nsobola". Ekigambo ekyo "nsobola" kigambo kikulu. Kiraga obwesige obutufu omuntu bwalina ku ye kenyini. Wewawo mpozi abamu bayinza okulowoza nti kiraga amalala, naye si bwekiri. Kye kigambo ekyogerebwa awatali kukyatula, omutima gwokka negukyatula nga obuzito bwona bwolekedde omuntu, oba omulimu omukulu nga gumutuseko amagezi ge wegetagirwa. Tewali buzibu buyinza kulema kigambo ekyo "nsobola". Ate tewali muntu ayinza kutukiriza kintu omwoyo gwe gwona bweguba nga teguli mu kintu ekyo.

Mu Uganda twetaga abakulembeze abalungi, abakozi abalungi, n'abantu abalina ebirowozo ebirungi ebiyinza okukuza eggwanga lyafe n'abantu bafe.